
bikyusibbwa mu nnimi ezisukka 740. Bwegatyo bwegali amaanyi gaayo, n'obuyinza bwaayo okulaga amazima gaayo ag'omwoyo n'obulungi bw'enzirukanya y'emirimu gyaayo ebyesigamizibwa ku butukuvu bw'enkola yaayo erungamizibwa obuyinza obuva mu ggulu.



**ENZIKIRIZA YA BAHA'I BYEYIGIRIZA (Baha'i Principles)**

Ebimu kwebyo ebikulu ennyo Baha'i byeyigiriza ebyalangirirwa Baha'u'llah eby'omulembe guno:

1. **obumu bw' olulyo lw'omuntu** — Ensonga ey'obumu bw'olulyo lw'omunto ye nnamuziga Baha'u'llah byeyayigiriza kwe byekulungulira. Okwegatta kw'ensi yonna lye, ssa erisembayo mukugenda mu maaso n'okukula kw'olulyo lw'omuntu, era okukituukako ekyo kulyesigama ku bantu kinnomu okutegeera obumu buno obw'olulyo lw'abantu nga kye kisingira'ddala mu bulamu obw'omwoyo mu kiseera kino.
2. **Okunoonya amazima Okutali kwa buwaze** — Guno gwe mulundi ogusookedde ddala mu byafaayo by'omuntu okutegeera nga okwenonyeza amazima okutali kwabuwaze kusobokera ddala; okunoonyereza kuno kwetaagibwa nnyo okusinga okumala gakkiriza Nzikiriza yonna esomesebwa omuntu yenna.
3. **Ensibuko y'eddiini zonna yeemu** — Aba Baha'i bakkiriza nti eddiini zonna enkulu mu nsi yonna ntukuvu munsibuko yaazo, zonna zabikkulwa Katonda mu bifo eby'enjawulo era ne mubiseera eby'enjawulo nga byesigamizibwn ku kukula kwn bantu nga okwetaaga bwekuli n'amagezi gaabwe.
4. **Entabagana ya magezi ga Sayansi ne ddiini byetaagibwa** — Baha'u'llah atuyigiriza nti eddiini ne Sayansi bikolaganira wamu. Eddiini ey'amazima ne Sayansi ow'amazima bitundu ebikolagana mu kunoonya eky'amazima.
5. **Okwenkanankana kwa Basajja n'Abakazi** — Guno nga gwemulundi ogusookera ddala mu byafaayo by'eddiini ezalangirirwa Ababaka ba Katonda, Baha'u'llah yaggumiza nnyo ensonga y'okwenkanankana kw' omusajja n'omukazi. Okuyigiriza kwe kuno teyamala gakuleka ng'ensonga etaliimu nsa, wabula muyo mwemuli omusingi ogw' okuzimbirako enkola empya ey'oku tumbula entabagana empya ey'olulyo lw'omuntu n'okwegatta. Yaginywereza ddala bulungi n'amateeka agawa omutindo gw'okuyigiriza abakazi ogufaananira ddala n'ogwabasajja era n'okubawa byebeetaaga nga tebasosolamu mu mbeera z'obulamu.
6. **Okugyirawo ddala omwoyo gwa kyekubiira ogw' engeri Yonna** — Eddagala erigobera ddala omwoyo ogwa kyekubiira, kwe kutegeerera ddala Obumu obwa Bantu. Kino omuntu bwakitegeera mu mwoyo gwe, obumu obwa Bantu kimuyamba okwegobako omwoyo gwa kyekubiira mu mutima gwe.
7. **Okuyigirizibwa okw' obuwaze okwa bantu bonna** — Amagezi n' okumanya kye kimu ku birabo Katonda byeyatuwa ekisingira ddala byonna; era abo abegyako ogw' okufuna amagezi n'okumanya banabeeranga mu bulamu obuteyamba okusinga abalala.
8. **Emirembe eri abantu Bonna** — Omusingi ogwesigamwako ebyo byonna Enzikiriza ya Baha'i byeyigiriza gwe gw'okukuza n'okutegeerera ddala obumu bw'olulyo lw'omuntu era n'okuleeta emirembe eri abantu bonna ku nsi.

**EBIRALA EBITONOTONO EBYESIGAMIZIBWAKO EBY'OKUYIGIRIZA KWA BAHA'I BYEBINO:**

1. Okussaawo olulimi olwogerwa abantu bonna.
2. Okugyirawo ddala embeera ey'obugagga n'obwaavu obuyitiriddde.
3. Okussawo olukiiko lw'ensi yonna olusala emisango n'okutawulula enkayana ezibaawo wakati wa mawanga.
4. Okugulumiza obwenkanya y'ensibuko y'emirembe mu bantu bonna.
5. Okukakasiza ddala nti omulimu ogukolebwa n'omwoyo omukkakkamu kyekimu n'okusinza Katonda.
6. Eddiini gwemusingi ogukuuma abantu bonna n'amawanga nga tewali kyebatya era nga banywevu.
7. Emitawaana gy' ebyenfuna gyetaaga kumalibwaawo na mwoyo gwa ddiini.
8. Obuwulize eri Gavumenti ey'ensi mwobeera obutajjulukuka.

**"Oyu ayagala ekitundu kyalimu kyokka tasaana kwepankapanka wabula oyo ayagala ensi yonna yasaana okwewaana. Ensi yonna eri emu era olulyo lw'omuntu lwe lunnanyiniyo".**


**— Baha'u'llah**

Awamu n'ebyo ebinyonnyoddwa mu bufunze, tukuwereza n'omukwano mungi okusaba kwaffe, ofube okunoonya ebifa ku Nzikiriza ya Baha'i ggwe wennyini, naabo abali mu nyumbayo, era n'okulowooza ekyo kyosobola okukola okugitwaala mu maaso, nga wegatta mu byekola. Bwooba wetaaga ebisingako awo tuukirira aba Baha'i abali mukitundu kyo, oba wandiika eri bano:

The Bahá'í Faith
www.bahai.org • 1-800-22UNITE

The Bahá'í House of Worship
100 Linden Ave., Wilmette, IL 60091
how@usbnc.org • www.bahaitemple.org
(847) 853-2300

# ENZIKIRIZA YA BAHA'I
## EBIGINYONNYOLA MU BUFUNZE



**ENZIKIRIZA YA BAHA'I**

Enzikiriza ya Baha'i ddiini ntongole ey'ensi yonna, ensibuko yaayo ntukuvu ddala era eyigiriza ebintu bingi; ekozesa amagezi mangi mu nkola yaayo, eyigiriza abantu bonna, essa essira ku bigwanira okukola n'okugoberera era nyangu okumanya byegenderera; era ewa abantu omwoyo omugya n'amaanyi agataliimu bukuusa mu mmeeme zaabwe. Ekakasa nga Katonda ali Omu, ekkiriza nga' Ababakabe bonna bebamu era eyigiriza Obumu obw' olulyo lw' omuntu ku nsi yonna.

**EBYAFAAYO BY' ENZIKIRIZA YA BAHA'I EBIFUNZE**

Ekigambo kya Katonda ekirungamya abantu mu buli mulembe kiwerezebwa Katonda nga akiyisa mu ba Nabbi n'Ababaka be. Ababaka abasatu abakulu ennyo mu Nzikiriza ya Baha'i bebano: Bab (1819-1850), Baha'u'llah (1817-1892) ne Abdul-Baha (1844-1921).

**BAB**

Nga May 23' 1844' omuvubuka omugezi kayingo eyamanyika nga Bab, mu lulimi olu Perusi ekitegeeza (omulyango), yalangirira nti Ye yali azze okuteekateeka abantu era n'okukulembera Oyo asinga Obutukuvu eyali ajja. Okuyigiriza kwe kwaali



kwa magezi mangi nnyo era kwabuna mu bantu bangi, bwebatyo ne bamugoberera; kyokka okuyigiriza okwo abakulu ba maddiini nebakugaana nga bagamba nti kwaali kuvoola Katonda. Bwaatyo Bab n' ayigganyizibwa nnyo era n'oluvanyuma n' attibwa mu 1850. Emyaaka ebiri egyaddirira, abagoberezi ba Bab emitwaalo ebiri (20,000) baabonyabonyezebwa nnyo era ne battibwa mu ngeri embi ennyo ey' obukambwe obutabangawo.

**BAHA'U'LLAH**



Baha'u'llah (kitegeeza Kitiibwa kya Katonda), yazaalibwa mu lulyo lwa Bakungu era okuva mu butoobwe yayatikirira nnyo olw' amagezi ge amangi, obukalabakalaba - n'okumanya. Yakkiriza Bab byeyayigiriza era yassibwa mu kadukulu. Mu mwaka 1853 bweyali nga asibidwa mu kkomera yafuna okwolesebwa nti Ye yali Oyo eyasubizibwa, Bab gweyalangirira. Mu 1863 bweyali e Baghdad mu buwanganguse, Baha'u'llah yategeeza abantu bonna mu lwatu nti Yeye Eyasubizibwa. Yeyongera okubonyabonyezebwa n'okuyigganyizibwa abakulu b'eddiini era ne bamugoba e Baghdad; yatwalibwa e Constantinople ne Adrianople oluvanyuma ne bamulaza mu Akka mu nsi Palastine mu 1868. Baha'u'llah yafa mu 1892 era yaziikibwa e Bahji' Okwolekera olusozi Kalumeri (Mt. Carmel).

Mu bulamu bwe Baha'u'llah yalaba eddiini ye bwebunyisibwa mu bitundu ebiriranye Persia era ne mu Bwakabaka obwa Ottoman (Batuluki) n'etuuka mu gasozi Caucassus, Parkistan, India, Burma, Egypt ne Sudan.

Emyaka gyonna gyeyamala nga musibe, Baha'u'llah yabikkula ebyawandiikibwa nkumi na nkumi ebiretera emmeeme obulamu obw'o-mwoyo n' omubiri obulungi; era awamu n'ebyo tulina ebyawandiikibwa Bab ne 'Abdul-Baha ebiriwo ng'ebiwandiiko eby' ekyewunyo, eby'Enzikiriza ya Baha'i. Ebiwandiiko bino ebitukuvu byanjawulo ddala kubanga byebiriwo ebisookedde ddala mu biwandiiko byonna ebitukuvu eby' eddiini enkulu ebiriwo nga biri mu mukono gwennyini ogw' Omubaka wa Katonda Yennyini, oba nga byakakasibwa, Ye Omubaka Yennyini, n'abissaako omukono ogugwe nga biwedde okuwandiikibwa omuwandiisi we.

**'ABDU'L-BAHA**

Mu kulaama kwe n'endagaano Ye, Baha'u'llah yalonda mutabani we asingira ddala obukulu 'Abdu'l-Baha (Omuwereza wa Katonda) okuba omukulembeze w'abagoberezi b'Enzikiriza ya Baha'i era nga Ye Yekka eyawebwa obuyinza okuvvunula ebyo byonna Baha'u'llah byeyayigiriza. 'Abdu'l-Baha yawerekeranga Kitaawe buli yonna gyeyawangangusibwa, bweyali aweza emyaka mwenda (1853). Okusibwakwe kwamalira ddala emyaka ana, era mubiseera eby'okuwereza kwe, Enzikiriza ya Baha'i yabuna okutuuka mu United States, Canada, Bungereza ne mu Bulaaya. Yafa November 28, 1921 e Haifa, era yaziikibwa ku lusozi Kalumeri mu nnyumba Entukuvu eyazilikibwaamu Bab (Shrine of the Bab).

Mu kulaama kwe n'Endagaano Ye 'Abdu'l-Baha yalonda muzzukulu we Shoghi-Effendi okuba omukuumi w'Enzikiriza. Bwetyo Enzikiriza neyeyongera okukuumibwa obutesalasalamu' bwekityo nekiyamba abakkiriza okweyongera okwegattira ddala awamu.

**SHOGHI-EFFENDI**


Enzikiriza ng'eri mu mikono gya Shoghi-Effendi, enkola erungamya Enzikiriza ya Baha'i (Baha'i Administrative Order) yatandika okugobererwa era Enzikiriza yasaasanyizibwa mu bitundu byonna eby'ensi. Ebiwandiiko bye byatuusa Enkola y'Enzikiriza buli wantu. Okumalira ddala emyaka 36 Shoghi-Effendi yakolera ddala nnyo obutaweera okutuusa lweyafa mu November 1957.

Bwekityo nno mu bbanga ery' emyaka 113 (1844-1957) eddiini ya Katonda eno eyaleetebwa n'etutumuka, yalabirirwa n' obwegendereza era nga erungamizibwa awatali kusalikako, nga bwekyaali kitabangawo mu nkola ye ddiini endala ey'ensi.

**ENFUGA Y'ENZIKIRIZA YA BAHA'I — Baha'i Administration**

Aba Baha'i bafugibwa amateeka n'ebiragiro ebyassibwaawo Baha'u'llah Yennyini era ne mu Nkiiko zeyassaawo. Enkiiko zino zibeeramu abakkiriza abalondebwa n' akalulu ak'ekyaama mu bitundu bisatu: 1. Omutindo ogw' amawanga gonna (International). 2. Ogwa buli nsi (National). 3. Ogw' ebyaalo (Local). Enkola egobererwa tekkiriza kulondera mu bibiina (Parties-factions), tekkiriza kussaawo abanatwaala ebifo mu nfuga eyo. Mu nkiiko zonna eza Baha'i okusalawo ebinakolebwa kuyita mu nkola eya Baha'i ey'okuteesa, nga buli omu awa ekirowoozo kye (Consultation) era nga buli alondeddwa okutuula mu lukiiko olwo alina eddembe eryenkanankana okuwa ekirowoozo kye nga bwawulira mu mmeeme ye.

**OLUKIIKO OLW'ENSI YONNA — International Universal House of Justice**



Olukiiko luno lutuulako abakkiriza mwenda; lulondebwa buli myaka etaano ba mmemba b'enkiiko ez'eggwanga (National Assemblies) eziri munsi yonna; Olukiiko luno luddukanya emirimu gyaalwo okuva mu kitebe kyaalwo ekiri e Haifa, eri Ekifo Ekikulu Eky' Enzikiriza ya Baha'i. Ensi Entukuvu y' erimu Ekifo Ekitukuvu Eky'enzikiriza ya Baha'i olw'ensonga nti abakulembeze Basatu abakulu ennyo baazikibwa eyo, era olw' ekiragiro kya Baha'u'llah eky'ensi yonna, Ekitebe Ekikulu eky'Enzikiriza gye kyazimbibwa. Olukiiko Universal House of Justice lulungamya abakkiriza munsi yonna n'okukubiriza emirimu gyonna egigenderera okukuza enjigiriza ya Baha'u'llah mu bakkiriza abeyongera obungi munsi yonna.


**OLUKIIKO LW'EGGWANGA — National**

Olukiiko lwa buli nsi (National Spiritual Assembly) lubeerako abakkiriza mwenda; lulina obuvunanyizibwa okulungamya abakkiriza aba Baha'i mu nsi yaabwe Buli mwaka aba Baha'i balonda ababaka okubakiikirira mu lukungaana olukulu (Convention) olw'eggwanga, okulonda abakkiriza mwenda okutuulanga ku LUkiiko olwo, lukubiriza n'okugatta abakkiriza okugoberera ebyetaaga okukolebwa buli bbanga era n'okulungamya byonna ebikuza Enzikiriza mu ggwanga lyonna.

**OLUKIIKO LW'OMULUKA — Local**

Okufugibwa kwa ba Baha'i yonna gyebali kutandikira ku Lukiiko lw'omuluka (Local Spiritual Assembly) nga abakkiriza berondamu mwenda abatwaala obuvunanyizibwa bwonna obw'ekitundu kyaabwe okukubirizanga abakkiriza okwegatta, n'okugoberera Enzikiriza byeyigiriza beyongere okugimanya n'okugibunyisa mu kitundu kyaabwe.

**ENZIKIRIZA YA BAHA'I N'AMAWANGA AMAGATTE (Baha'i Faith and United Nations)**



Enzikiriza ya Baha'i erina ababaka baayo ku kifo ekikulu eky'-Amawanga Amagatte, nga bakola kubya Mawanga amato n'amakulu nga batuulayo ng'ebibiina ebitali bya Gavumenti (NGO) okuva mu mwaka 1948. Bateesaganya n'Akakiiko akebyenfuna n'entabagana (Economical & Social Council) ne ku lukiiko olukola kubya baana (United Nations Children Fund) UNICEF. Awamu neebyo, nyingi ddala ku nkiiko za Baha'i (National Assemblies) zewandiisa mu Office eya Mawanga amagatte eya Mawulire (UNIC).

**OBUKULU BW'ENZIKIRIZA YA BAHA'I MU NSI (International Status of the Faith)**

Aba Baha'i mukiseera ekitono eky' emyaka 148 egiyise bazizzaawo ekibiina ky'ensi ekirimu amawanga agasukka 1820 nga basibuka mu ndyo ezitali zimu nga bava munsi ezisukka 360, ebitundu by'e-nsi n'ebizinga nga bebabaka abengeri zonna ez'olulyo lwo muntu. Ebisomebwa bya Baha'i